

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
LUUSI 1	RUTH 1
1:1 Awo olwatuuka mu nnaku abalamuzi ze baalamuliramu, enjala n'egwa mu nsi. Awo omusajja ow'e Besirekemuyuda a'agenda okutuula mu nsi ya Mowaabu, ye ne mukazi we, ne batabani be bombi.	1:1 In the days when the judges ruled, there was a famine in the land, and a man from Bethlehem in Judah, together with his wife and two sons, went to live for a while in the country of Moab.
1:2 N'erinnya ly'omusajja lyali Erimereki, n'erinnya lya mukazi we Nawomi, n'erinnya lya batabani be bombi Maloni ne Kiriwoni, Abaefulaasi ab'e Besirekemuyuda. Ne batuuka mu nsi ya Mowaabu, ne babeera eyo.	1:2 The man's name was Elimelech, his wife's name Naomi, and the names of his two sons were Mahlon and Kilion. They were Ephrathites from Bethlehem, Judah. And they went to Moab and lived there.
1:3 Awo Erimereki bba Nawomi n'afa; naye n'asigalawo ne batabani be bombi.	1:3 Now Elimelech, Naomi's husband, died, and she was left with her two sons.
1:4 Ne bawasa ku bakazi ba Mowaabu; erinnya ly'omu Olupa, n'erinnya ly'ow'okubiri Luusi: ne bamalayo emyaka nga kkumi.	1:4 They married Moabite women, one named Orpah and the other Ruth. After they had lived there about ten years,
1:5 Awo Maloni ne Kiriwoni ne bafa bombi; omukazi n'afiirwa abaana be bombi ne bba.	1:5 both Mahlon and Kilion also died, and Naomi was left without her two sons and her husband.
1:6 Awo n'alyoka agolokoka ne baka baana be, addeyo ng'ava mu nsi ya Mowaabu: kubanga yali awulidde ng'ali mu nsi ya Mowaabu nga Mukama bwe yajjira abantu be ng'abawa emmere.	1:6 When she heard in Moab that the Lord had come to the aid of his people by providing food for them, Naomi and her daughters-in-law prepared to return home from there.
1:7 N'ava mu kifo mwe yali, ne baka baaaa be bombi wamu naye; ne batambula mu kkubo okuddayo mu nsi ya Yuda.	1:7 With her two daughters-in-law she left the place where she had been living and set out on the road that would take them back to the land of Judah.
1:8 Awo Nawomi n'agamba baka baana be bombi nti Mugende muddeyo buli omu ku mmwe mu nnyumba ya nnyina: Mukama abakole eby'ekisa, nga mmwe bwe mwakola abaafa era nange.	1:8 Then Naomi said to her two daughters-in-law, "Go back, each of you, to your mother's home. May the Lord show kindness to you, as you have shown to your dead and to me.
1:9 Mukama abawe okulaba okuwummula, buli omu ku mmwe mu nnyumba ya bba. N'alyoka abanywegera; ne bayimusa eddoboosi lyabwe, ne bakaaba amaziga.	1:9 May the Lord grant that each of you will find rest in the home of another husband." Then she kissed them and they wept aloud.
1:10 Ne bamugamba nti Nedda; naye tuliddayo naawe eri abantu bo.	1:10 and said to her, "We will go back with you to your people."
1:11 Nawomi n'agamba nti Mukyuke nate, baana bange: kiki ekibaagaza okugenda nange? nkyalina abaana mu lubuto lwange babeere babbammwe?	1:11 But Naomi said, "Return home, my daughters. Why would you come with me? Am I going to have any more sons, who could become your husbands?"
1:12 Mukyuke nate, baana bange, mweddireyo; kubanga nkaddiye mpitiridde okuba n'omusajja. Bwe nnaayogera nti Nsubira, newakubadde nga mbeera n'omusajja ekiro kino, era ne nzaala abaana ab'obulenzi;	1:12 Return home, my daughters; I am too old to have another husband. Even if I thought there was still hope for me—even if I had a husband tonight and then gave birth to sons—

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
1:13 kale mwandibalindiridde okukula? kyemuliva muleka okuba n'abasajja? nedda, baana bange; kubanga nnumwa nnyo ku lwammwe, kubanga omukono gwa Mukama gwawuluma okulwana nange.	1:13 would you wait until they grew up? Would you remain unmarried for them? No, my daughters. It is more bitter for me than for you, because the Lord's hand has gone out against me!"
1:14 Ne bayimusa eddoozi lyabwe, ne bakaaba nate amaziga: Olupa n'anywegera nnyazaala we; naye Luusi ne yeegata naye.	1:14 At this they wept again. Then Orpah kissed her mother-in-law good-by, but Ruth clung to her.
1:15 N'ayogera nti Laba, muggya wo azzeeyo eri abantu be n'eri katoada we: naawe ddayo ogoberere muggya wo.	1:15 "Look," said Naomi, "your sister-in-law is going back to her people and her gods. Go back with her."
1:16 Awo Luusi n'ayogera nti Tonneegayirira kukuleka, n'okuddayo obutakugoberera: kubanga gy'oaogendanga, gye nnaagendanga nze: era gy'onoosulanga, gye nnaasulanga nze: abantu bo be banaabanga abantu bange, era Katonda wo Katonda wange:	1:16 But Ruth replied, "Don't urge me to leave you or to turn back from you. Where you go I will go, and where you stay I will stay. Your people will be my people and your God my God.
1:17 gy'olifiira, nze gye ndifiira, era gye balinzika: Mukama ankole bw'atyo era n'okusingawo, oba ng'ekigambo kyonna kiritwawukanya ggwe nange wabula okufa.	1:17 Where you die I will die, and there I will be buried. May the Lord deal with me, be it ever so severely, if anything but death separates you and me."
1:18 Awo bwe yalaba ng'amaliridde okugenda naye, n'aleka okwoogera naye.	1:18 When Naomi realized that Ruth was determined to go with her, she stopped urging her.
1:19 Awo abo bombi ne batambula okutuusa lwe baatuuka e Besirekemu. Awo olwatuuka bwe baamala okutuuka e Besirekemu, ekibuga kyonna ne kisasamala ku lwabwe, abakazi ne boogera nti Ono Nawomi?	1:19 So the two women went on until they came to Bethlehem. When they arrived in Bethlehem, the whole town was stirred because of them, and the women exclaimed, "Can this be Naomi?"
1:20 N'abagamba nti Temumpita Nawomi, naye mumpite Mala: kubanga Omuyinza w'ebintu byonna yankola ebikaawa ennyo.	1:20 "Don't call me Naomi," she told them. "Call me Mara, because the Almighty has made my life very bitter.
1:21 Nnava wano nga njijudde, era Mukama ankomezzaawo ewattu nga sirina kantu: kiki ekibampisa Nawomi, kubanga Mukama yategeeza ku nze, era Omuyinza w'ebintu byonna yambonyaabonya?	1:21 I went away full, but the Lord has brought me back empty. Why call me Naomi? The Lord has afflicted me; the Almighty has brought misfortune upon me."
1:22 Bwe batyo Nawomi n'akomawo, ne Luusi Omumowaabu, muka mwana we, wamu naye, eyakomawo okuva mu nsi ya Mowaabu: ne batuuka e Besirekemu nga kyebajje bakungule sayiri.	1:22 So Naomi returned from Moab accompanied by Ruth the Moabitess, her daughter-in-law, arriving in Bethlehem as the barley harvest was beginning.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
LUUSI 2	RUTH 2
2:1 Era Nawomi yalina muganda wa bba, omusajja ow'amaanyi omugagga, ow'omu nnyumba ya Erimereki; n'erinnya lye Bowaazi. 2	2:1 Now Naomi had a relative on her husband's side, from the clan of Elimelech, a man of standing, whose name was Boaz.
2: Awo Luusi Omumowaabu n'agamba Nawomi nti Ka **ende kaakano mu nnimiro, nnonde ku birimba bya sayiri nga ngoberera oyo anaakwatirwa ekisa. N'amugamba nti Genda, mwana wange.	2:2 And Ruth the Moabitess said to Naomi, "Let me go to the fields and pick up the leftover grain behind anyone in whose eyes I find favor." Naomi said to her, "Go ahead, my daughter."
2:3 N'agenda, n'ajja n'alonda mu nnimiro abakunguzi we bayise: era olwatuuka n'asanga ekitundu ky'ennimiro ekya Bowaazi, eyali ow'omu kika kya Erimereki.	2:3 So she went out and began to glean in the fields behind the harvesters. As it turned out, she found herself working in a field belonging to Boaz, who was from the clan of Elimelech.
2:4 Era, laba, Bowaazi a'ava e Besirekemu n'agamba abakunguzi nti Mukama abeere nammwe. Ne bamuddamu nti Mukama akuwe omukisa.	2:4 Just then Boaz arrived from Bethlehem and greeted the harvesters, "The Lord be with you!" "The Lord bless you!" they called back.
2:5 Awo Bowaazi n'agamba omuddu we eyali akuuguzi abakunguzi nti Omuwala ono w'ani?	2:5 Boaz asked the foreman of his harvesters, "Whose young woman is that?"
2:6 Omuddu eyali akunguzi abakunguzi n'addamu n'ayogera nti Ono ye muwala Omumowaabu eyakomawo ne Nawomi okuva mu nsi ya Mowaabu:	2:6 The foreman replied, "She is the Moabitess who came back from Moab with Naomi."
2:7 n'ayogera nti Nnonde, mbeegayiridde, nku**aanye abakunguzi we bayise mu binywa: awo n'ajja, era asiibye wano obw'enkya okutuusa kaakano, wabula ng'ayingiddeko mu nayumba katono.	2:7 She said, 'Please let me glean and gather among the sheaves behind the harvesters.' She went into the field and has worked steadily from morning till now, except for a short rest in the shelter."
2:8 Awo Bowaazi n'alyoka agamba Luusi nti Towulira mwana wange? Togendanga kulonda mu nnimiro endala, so tovanga wano, naye obeeranga wano kumpi; n'abawala bange.	2:8 So Boaz said to Ruth, "My daughter, listen to me. Don't go and glean in another field and don't go away from here. Stay here with my servant girls."
2:9 Amaaso ge gabe ku nnimiro, gye banaakungulanga, naawe obagobererenga: sikuutidde balenzi obutakukomangakoi era enayonta bw'eneekulumanga; ogendanga awali ensuwa, n'onnya ku ago abalenzi ge basenye.	2:9 Watch the field where the men are harvesting, and follow along after the girls. I have told the men not to touch you. And whenever you are thirsty, go and get a drink from the water jars the men have filled."
2:10 Awo n'avuunama amaaso ge, n'akutama, n'amugamba nti Kiki ekindabizza ekisa mu maaso go, ggwe okunnekaanya nze kubanga ndi munnaggwanga?	2:10 At this, she bowed down with her face to the ground. She exclaimed, "Why have I found such favor in your eyes that you notice me—a foreigner?"

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
2:11 Bowaazi n'addamu n'amugamba nti Bambuulirira ddala byonna bye waakakoze nnyazaala wo balo kasooka afa: era bwe waleka kitaawo ne nnyoko n'ensi gye wazaalirwamu, n'ojja mu bantu be wali tomanyiiko.	2:11 Boaz replied, "I've been told all about what you have done for your mother-in-law since the death of your husband—how you left your father and mother and your homeland and came to live with a people you did not know before.
2:12 Mukama akusasilire emirimu gyo, era oweebwe empeera etebulako Mukama Katonda wa Isiraeri, gwe weeyuna wansi w'ebiwawaatiro bye.	2:12 May the Lord repay you for what you have done. May you be richly rewarded by the Lord, the God of Israel, under whose wings you have come to take refuge."
2:13 Awo n'ayogera nti Ndabe ekisa mu maaso go, mukama wange; kubanga onsanyusizza, era kubanga oyogedde n'omuzaana wo eby'ekisa, newakubadde nga siri ng'omu ku bazaana bo.	2:13 "May I continue to find favor in your eyes, my lord," she said. "You have given me comfort and have spoken kindly to your servant—though I do not have the standing of one of your servant girls."
2:14 Awo obudde bwe bwatuuka okulya Bowaazi n'amugamba nti Jjangu olye ku mmere okoze ennoga yo omwenge omukaatuufu. N'atuula ku mabbali g'abakunguzi: ne bamuwa sayiri ensiike, n'alya n'akkuta n'alemwa.	2:14 At mealtime Boaz said to her, "Come over here. Have some bread and dip it in the wine vinegar." When she sat down with the harvesters, he offered her some roasted grain. She ate all she wanted and had some left over.
2:15 Awo bwe yagolokoka okulonda, Bowaazi n'alagira abalenzi be ng'ayogera nti Alonde ne mu binywa so temumuvumanga.	2:15 As she got up to glean, Boaz gave orders to his men, "Even if she gathers among the sheaves, don't embarrass her.
2:16 Era mumutoolereko ne mu miganda, mugireke, alonde so temumuwuunako.	2:16 Rather, pull out some stalks for her from the bundles and leave them for her to pick up, and don't rebuke her."
2:17 Awo n'alonda mu nnimiro n'azibya obudde: n'awuula ze yali alonze, ne ziba nga efa eya sayiri.	2:17 So Ruth gleaned in the field until evening. Then she threshed the barley she had gathered, and it amounted to about an ephah.
2:18 N'agyetikka, n'ayingira mu kibuga: nnyazaala we n'alaba z'alonze: n'aleeta n'amuwa eyasigaddewo bwe yamala okukkuta.	2:18 She carried it back to town, and her mother-in-law saw how much she had gathered. Ruth also brought out and gave her what she had left over after she had eaten enough.
2:19 Awo nnyazaala we n'amugamba nti Olonze wa leero? era okoze wa emirimu? aweebwe omukisa oyo akwekkaanyizza. N'ategeeza nnyazaala we oyo bwe yali gw'akoze naye, n'ayogera nti Omusajja gwe nkoze naye leero erinnya lye Bowaazi.	2:19 Her mother-in-law asked her, "Where did you glean today? Where did you work? Blessed be the man who took notice of you!" Then Ruth told her mother-in-law about the one at whose place she had been working. "The name of the man I worked with today is Boaz," she said.
2:20 Nawomi n'agamba muka mwana we nti Aweebwe Mukama omukisa, atannaleka kisa kye eri abalamu n'eri abaafa. Nawomi n'amugamba nti Omusajja oyo muganda waffe ddala, omu ku banunuzi baffe.	2:20 "The Lord bless him!" Naomi said to her daughter-in-law. "He has not stopped showing his kindness to the living and the dead." She added, "That man is our close relative; he is one of our kinsman-redeemers."

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
2:21 Luusi Omumowaabu n'ayogera nti Weewaawo, a**ambye nti Onoobeeranga kumpi n'abalenzi bange, okutuusa lwe balimala eby'okukungula byange byonna.	2:21 Then Ruth the Moabite said, "He even said to me, 'Stay with my workers until they finish harvesting all my grain.'"
2:22 Awo Nawomi n'agamba Luusi muka mwana we nti Kirungi, mwana wange, oyitenga wamu n'abazaana be, so baleme okukusi**aana mu nnimiro endala yonna.	2:22 Naomi said to Ruth her daughter-in-law, "It will be good for you, my daughter, to go with his girls, because in someone else's field you might be harmed."
2:23 Awo n'abeeranga kumpi n'abazaana ba Bowaazi okulondanga okutuusa bwe baamala amakungula ga sayiri n'amakungula g'e**aano; n'atuula ne nnyazaala we.	2:23 So Ruth stayed close to the servant girls of Boaz to glean until the barley and wheat harvests were finished. And she lived with her mother-in-law.
LUUSI 3	RUTH 3
3:1 Awo Nawomi nnyazaala we n'amugamba nti Mwana wange, siikunoonyeze kuwummula, obe bulungi?	3:1 One day Naomi her mother-in-law said to her, "My daughter, should I not try to find a home for you, where you will be well provided for?"
3: Era kaakano Bowaazi muganda waffe taliwo gye wabeeranga n'abazaana be? Laba, awewa sayiri ekiro kino mu gguuliro.	3:2 Is not Boaz, with whose servant girls you have been, a kinsman of ours? Tonight he will be winnowing barley on the threshing floor.
3:3 Kale naaba osaabe amafuta, oyambale ebyambalo byo, oserengete mu gguuliro: naye tewetegeza eri omusajja oyo okutuusa lw'anaamala okulya n'okunywa.	3:3 Wash and perfume yourself, and put on your best clothes. Then go down to the threshing floor, but don't let him know you are there until he has finished eating and drinking.
3:4 Awo olunaatuuka bw'anaagalamira, wekkaanye ekifo mw'anaagalamira, naawe n'oyingira n'obikkula ebigerere bye, n'ogalamira; naye anaakubuulira bw'onookola.	3:4 When he lies down, note the place where he is lying. Then go and uncover his feet and lie down. He will tell you what to do."
3:5 N'amugamba nti Byonna by'oyogedde naabikola.	3:5 "I will do whatever you say," Ruth answered.
3:6 N'aserengeta mu gguuliro, n'atola nga byonna bwe bibadde nnyazaala we by'amulagidde.	3:6 So she went down to the threshing floor and did everything her mother-in-law told her to do.
3:7 Awo Bowaazi bwe yamala okulya n'okunywa, omutima gwe nga gusanyuse, n'agenda okugalamira ku mabbali g'entuumo y'e**aano: n'ajja ng'asooba, n'abikkula ku bigere bye n'agalamira.	3:7 When Boaz had finished eating and drinking and was in good spirits, he went over to lie down at the far end of the grain pile. Ruth approached quietly, uncovered his feet and lay down.
3:8 Awo olwatuuka mu tumbi omusajja n'atya ne yeekyusa era, laba, omukazi ng'agalamidde ku bigere bye.	3:8 In the middle of the night something startled the man, and he turned and discovered a woman lying at his feet.
3:9 N'ayogera nti Ggwe ani? N'addamu nti Nze Luusi omuzaana wo: kale bikka ekyambalo kyo ku muzaana wo; kubanga oli mununuzi wange.	3:9 "Who are you?" he asked. "I am your servant Ruth," she said. "Spread the corner of your garment over me, since you are a kinsman-redeemer."

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
3:10 N'ayogera nti Oweebwe Mukama omukisa, mwana wange: olaze ekisa ekisinga obungi enkomerero okukira olubereberye, kubanga togobereranga balenzi, oba baavu oba bagagga.	3:10 “The Lord bless you, my daughter,” he replied. “This kindness is greater than that which you showed earlier: You have not run after the younger men, whether rich or poor.
3:11 Ne kaakano, mwana wange, totya; naakukola byonna by'oyogera: kubanga ekibuga kyonna eky'abantu bange bamanyi ng'oli mukazi mwegendereza.	3:11 And now, my daughter, don't be afraid. I will do for you all you ask. All my fellow townsmen know that you are a woman of noble character.
3:12 Era kaakano kya mazima nga nze mununuzi wo: naye waliwo omulala ansinga nze oluganda.	3:12 Although it is true that I am near of kin, there is a kinsman-redeemer nearer than I.
3:13 Beera wano ekiro kino, awo olunaatuuka enkya bw'anaakukolera emirimu egy'oluganda, kale; akole emirimu egy'oluganda: naye bw'atakkirize kukukolera mirimu gya luganda, kale nze ndikukolera emirimu egy'oluganda, nga Mukama bw'ali omulamu: galamira okeese obudde.	3:13 Stay here for the night, and in the morning if he wants to redeem, good; let him redeem. But if he is not willing, as surely as the Lord lives I will do it. Lie here until morning.”
3:14 N'agalamira ku bigere bye okukeesa obudde: n'agolokoka omuntu nga tannayinza kwekkaanya munne. Kubanga yayogera nti Kireme okumanyibwa ng'omukazi ono azze mu gguuliro.	3:14 So she lay at his feet until morning, but got up before anyone could be recognized; and he said, “Don't let it be known that a woman came to the threshing floor.”
3:15 N'ayogera nti Leeta omunagirow gw'oyambadde, ogukwate; n'agukwata: n'agera ebigerero mukaaga ebya sayiri, n'abi mutikka: n'agenda mu kibuga.	3:15 He also said, “Bring me the shawl you are wearing and hold it out.” When she did so, he poured into it six measures of barley and put it on her. Then he went back to town.
3:16 Awo bwe yatuuka eri nnyazaala we, n'ayogera nti Ggwe ani, mwana wange? N'amubuulira byonna omusajja by'amukoledde.	3:16 When Ruth came to her mother-in-law, Naomi asked, “How did it go, my daughter?” Then she told her everything Boaz had done for her
3:17 N'amugamba nti Ebigero bino omukaaga ebya sayiri abimpadde; kubanga ayogedde nti Togenda eri nnyazaala wo nga tolina kantu.	3:17 and added, “He gave me these six measures of barley, saying, ‘Don't go back to your mother-in-law empty-handed.’”
3:18 N'alyoka agamba nti Tuula ng'osirika, mwana wange, okutuusa lw'olimanya ebigambo gye birikkira; kubanga omusajja oyo tajja kuwummula okutuusa lw'anaamalawo ekigambo kino leero.	3:18 Then Naomi said, “Wait, my daughter, until you find out what happens. For the man will not rest until the matter is settled today.”
LUUSI 4	RUTH 4
4:1 Awo Bowaazi n'ayambuka eri omulyango, n'atuula eyo: era, laba, muganda we oyo Bowaazi gw'ayogeddeko n'ayitawo; n'amugamba oyo nti Owange, gundi! kyama otuule wano. N'akyama n'atuula.	4:1 Meanwhile Boaz went up to the town gate and sat there. When the kinsman-redeemer he had mentioned came along, Boaz said, “Come over here, my friend, and sit down.” So he went over and sat down.
4:2 N'atwala abasajja kkumi ku bakadde b'ekibuga n'ayogera nti Mutuule wano. Ne batuula.	4:2 Boaz took ten of the elders of the town and said, “Sit here,” and they did so.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
4:3 N'agamba muganda w'omukazi nti Nawomi eyakomawo okuva mu nsi ya Mowaabu, atunda ekibanja ekyali ekya muganda waffe Erimereki:	4:3 Then he said to the kinsman-redeemer, “Naomi, who has come back from Moab, is selling the piece of land that belonged to our brother Elimelech.
4:4 era mbadde ndowooza okukutegeeza nga njogera nti Kigulire mu maaso g'abo abatuula wano, ne mu maaso g'abakadde b'abantu bange. Bw'oyagala okukinunula, kinunule: naye bw'otoyagala kukinunula, kale mbuulira mmanyey: kubanga tewali anaakinunula wabula ggwe; nange nze nkuddirira. N'ayogera nti Ndikinunula.	4:4 I thought I should bring the matter to your attention and suggest that you buy it in the presence of these seated here and in the presence of the elders of my people. If you will redeem it, do so. But if you will not, tell me, so I will know. For no one has the right to do it except you, and I am next in line.” “I will redeem it,” he said.
4:5 Awo Bowaazi n'ayogera nti Bw'oligula ennimiro mu mukono gwa Nawomi, kirikugwanira ne Luusi Omumowaabu, mukazi w'oyo eyafa, okukuguza, okuddizaawo obusika bwe erinnya ly'oyo eyafa.	4:5 Then Boaz said, “On the day you buy the land from Naomi and from Ruth the Moabitess, you acquire the dead man’s widow, in order to maintain the name of the dead with his property.”
4:6 Muganda w'omukazi oyo n'ayogera nti Siyinja kukyenuulira nzekka, nneme okwonoona obusika bwange nze: ggwe weetwalire okununula kwange okwo: kubanga nze siyinja kukinunula.	4:6 At this, the kinsman-redeemer said, “Then I cannot redeem it because I might endanger my own estate. You redeem it yourself. I cannot do it.”
4:7 Era eno ye yali empisa edda mu Isiraeri ey'okununula n'okuwaanyisa, okunyweza ebigambo byonna; omusajja yanaanulanga engatto ye, n'agiwa munne: n'okwo kwabanga bujulirwa mu Isiraeri.	4:7 (Now in earlier times in Israel, for the redemption and transfer of property to become final, one party took off his sandal and gave it to the other. This was the method of legalizing transactions in Israel.)
4:8 Awo muganda w'omukazi oyo n'ayogera nti Kyegulire. N'anaanula engatto ye.	4:8 So the kinsman-redeemer said to Boaz, “Buy it yourself.” And he removed his sandal.
4:9 Bowaazi n'agamba abakadde n'abantu bonna nti Muli bajulirwa leero, nga nguze byonna ebyali ebya Erimereki, ne byonna ebyali ebya Kiriwoni n'ebya Maloni, mu mukono gwa Nawomi.	4:9 Then Boaz announced to the elders and all the people, “Today you are witnesses that I have bought from Naomi all the property of Elimelech, Kilion and Mahlon.
4:10 Era Luusi Omumowaabu mukazi wa Maloni mmuguze okuba mukazi wange, okuddizaawo obusika bwe erinnya ly'oyo eyafa, erinnya ly'oyo eyafa lireme okuzikirira mu baganda be ne mu mulyango gw'ekifo kye: mmwe muli bajulirwa leero.	4:10 I have also acquired Ruth the Moabitess, Mahlon’s widow, as my wife, in order to maintain the name of the dead with his property, so that his name will not disappear from among his family or from the town records. Today you are witnesses!”
4:11 Awo abantu bonna abaali mu mulyango n'abakadde ne boogera nti Ffe tuli bajulirwa. Mukama afaananye omukazi azze mu nnyumba yo nga Laakeeri ne Leeya, abazimba bombi ennyumba ya Isiraeri: naawe okole ebisaana mu Efulasa, oyatiikirire mu Besirekemu:	4:11 Then the elders and all those at the gate said, “We are witnesses. May the Lord make the woman who is coming into your home like Rachel and Leah, who together built up the house of Israel. May you have standing in Ephrathah and be famous in Bethlehem.
4:12 n'ennyumba yo ebeere ng'ennyumba ya Preezi; Tamali gwe yazaalira Yuda, olw'ezzadde Mukama ly'alikuweera mu mukazi ono omuvubuka.	4:12 Through the offspring the Lord gives you by this young woman, may your family be like that of Perez, whom Tamar bore to Judah.”

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
4:13 Awo Bowaazi n'atwala Luusi, naye n'a:nufiunbirwa; n'ayingira gy'ali, Mukama n'amuwa olubuto,. n'azaala omwana wa bulenzi.	4:13 So Boaz took Ruth and she became his wife. Then he went to her, and the Lord enabled her to conceive, and she gave birth to a son.
4:14 Abakazi ne bagamba Nawomi nti Mukama yeebazibwe, atakulese leero nga tolina mununuzi wo, era erinnya lye lyatiikirire mu Isiraeri.	4:14 The women said to Naomi: “Praise be to the Lord, who this day has not left you without a kinsman-redeemer. May he become famous throughout Israel!
4:15 Era alibeera gy'oli akomyawo obulamu era aliisa obukadde bwo: kubanga muka mwana wo akwagala, akusanyusa okusinga abaana ab'obulenzi omusanvu, abaamuzaaliddwa.	4:15 He will renew your life and sustain you in your old age. For your daughter-in-law, who loves you and who is better to you than seven sons, has given him birth.”
4:16 Awo Nawomi n'atwala omwana, n'amuwambaatira mu kifuba kye, n'aba omulezi we.	4:16 Then Naomi took the child, laid him in her lap and cared for him.
4:17 Abakazi baliraanwa be ne bamutuuma erinnya nga boogera nti Nawomi azaaliddwa omwana wa butenzi; ne bamutuuma erinnya Obedi: oyo ye kitaawe wa Yese, kitaawe wa Dawudi.	4:17 The women living there said, “Naomi has a son.” And they named him Obed. He was the father of Jesse, the father of David.
4:18 Era kuno kwe kuzaala kwa Preezi: Preezi yazaala Kezulooni;	4:18 This, then, is the family line of Perez: Perez was the father of Hezron,
4:19 Kezulooni n'azaala Laamu; Laamu n'azaala Amminadaabu;	4:19 Hezron the father of Ram, Ram the father of Amminadab,
4:20 Amminadaabu n'azaala Nakusoni; Nakusoni n'azaala Salumooni;	4:20 Amminadab the father of Nahshon, Nahshon the father of Salmon,
4:21 Salumooni n'azaala Bowaazi; Bowaazi n'azaala Obedi;	4:21 Salmon the father of Boaz, Boaz the father of Obed,
4:22 Obedi n'azaala Yese; Yese n'azaala Dawudi.	4:22 Obed the father of Jesse, and Jesse the father of David.